

“Embeera eletedde abantu abalina obulemu obulumi obwemirundi ebiri”: Abantu abalina obulemu byebayitamu olwa kawuka ka senyinga omukambwe (COVID-19) mu Uganda

Mary Wickenden, Eric Wakoko, Jackie Shaw, Stephen Thompson and Brigitte Rohwerder¹

May 2021

Soma ekiwandiiko mu bufunze

- Essomo lyabuuza abantu 10 abalina obulemu obwenjawulo kwebyo ebyatukawo mu biseera bya senyiga omukambwe (COVID-19).
- MwalimuWaliyo abakazi 5 n'abasajja 5, nga balina obulemu obwenjawulo era nga babeera mu mbeera ez'enjawulo.

¹ Suggested citation: Wickenden, M., Wakoko, E., Shaw, J., Thompson S.J. & Rohwerder, B. (2021). “Embeera eletedde abantu abalina obulemu obulumi obwemirundi ebiri”: Abantu abalina obulemu byebayitamu olwa kawuka ka senyinga omukambwe (COVID-19) mu Uganda. Brighton: IDS, DOI: [10.19088/IF.2021.010](https://doi.org/10.19088/IF.2021.010)
Full report (in English) DOI: [10.19088/IF.2021.009](https://doi.org/10.19088/IF.2021.009)

1 Abantu abalina obulemu byebayitamu olwa kawuka ka senyinga omukambwe (COVID-19) mu Uganda | May 2021

- Eyali abuuza ebibuuzo yali munonyereza alina obulemu ku maaso nga bamuyita Eric.
- Abantu mu Uganda bewuunya olw'omuggalo ogwabalukawo mu Gwokusattu 2020.
- Waliwo amateeka amakakali kubyokufuluma n'eb yokugoberera ng'okunaaba engalo n'okwambala akakokkolo.
- Amasomero n'ebifo ebikolelwaamu byagalwa, abayizi nebasindikibwa ewakka.
- Abantu abasinga abalina obulemu belarikirira ku by'ensimbi kubanga abantu bali tebasobola kukola oba bali bafiridwa emirimu gyabwe.
- Abantu abamu abalina obulemu bafuna obuyambi okuva mu gavumenti oba ebitongole by'obwanannyini naye abasinga bagamba nti kyali tekimala.
- Eri abantu abamu kyali kizibu okutegeera ebikwata ku senyiga omukambwe (COVID-19) n'okwekuuma nga tebafunye kabi kona kubanga obubaka tebwali bulambulukuffu oba bwali tebusobola kutegerebwa bonna.
- Abantu abamu abalina obulemu bafuna obuzibu n'abakwasaganya amateeka kubanga bali tebategeera bya butakirizibwa kufuluma kiro n'ebyo ebyali bibetagisa.
- Kyali kizibu okufuna emmere emala ab'omu maka abasinga. Abantu belarikirira okusula ng'enjala.
- Okufuna empeereza ng'ebujjanjabi n'ebiyuma ebiyamba kyali kizibu.

- Walina okusasula ssente ezisingako kulw'ebintu ebimu ng'ebisale by'okusabazibwa n'eddagala.
- Abantu abamu balowooza nti abasajja babonabona nnyo mu kiseera kya senyiga omukambwe (COVID-19), abantu abamu balowooza nti kyalili kizibu okusinga eri abakyala.
- Abantu abasinga balina engeri gyebali bawuliramu okugeza ng'okutya, okwelarikirira, okuwubaala, okwenyamira, n'okunakuwala.
- Abantu beralikirira oba ebintu bali bigenda kuddamu okubeera nga bwe byali.

Abantu babuzibwa endowooza yabwe ku biki ebilina okutukawo singa obulwadde obulala bubalukawo obuyinza okuletera abantu abawerako okwetaaga obuyambi. Baagamba:

- Walina okuberawo ssente endala okuyamba abantu, era zilina okubeera enyangu okufuna.
- Walina okuberawo engeri ez'okuyamba abantu okufuna omulimu oba looni oba okutandikawo bizinensi empya, naddala eri abantu abalina obulemu
- Obubaka obuva mu gavumenti bulina okubeera nga burambulukuffu era nga bwangu okutegeera eri bona mu nnimi n'enkola.
- Gavumenti erina okukola entegeka ey'omumaaso okukakasa nti abantu abalina obulemu bagatibwa mwebyo ebiberawo wewaberawo embeera eyakibwatukira nga senyiga omukambwe (COVID-19).

Ebitongole eby'abantu abalina obulemu bilina okwebuzibwako ku ki kyebilowooza ekilina okutukawo okuyamba ku bantu abalina obulemu mu kiseera ekyakibwatukira nga senyiga omukambwe (COVID-19).

Essomo mu Bufunze

Essomo lino lyakolwebwa ng'ekitundu ku mirimu egikolebwa ekitongole kya Foreign, Commonwealth and Development Office (FCDO) ekitekebwamu ssente aba puloguraamu ya Inclusion Works egendelera okwonderako ku byemirimu gy'abantu abalina obulemu mu nsi nnya: Uganda, Kenya, Nigeria, Bangladesh. Senyiga omukambwe (COVID-19) bwewatandika mu mwaka gwa 2020 omulimu gwa puloguraamu eno gwakyusibwaamu ko okussa essira ku kubudabudda n'okunonyereza, kubanga emirimu emilala gyali tegisobola kukolebwa.

Ekitongole kya Institute of Development Studies (IDS) kyakulemberamu okunonyereza okuzuula ebyafaayo n'endaba ya kazigizigi era negerageranya omuggalo mu buli nsi, ngekozesza okunonyereza okw'okubuuza ebibuuzo, okusaba abantu okunyumya ebibakwatako, nga bwebababuuza ebibuuzo ebilala ebyetagisa kasita bamala okutegeera byebasinga okwetaaga okwogerako. Okukozesa enkola ey'okwekanya abuzibwa ebibuuzo kyatusobozesa okuwulira ebikwata ku bantu era n'okwongera okubabuuza okuwa eby'okulabirako ebyebintu byebayiseemu n'ebyebalowooza. Enkola eno esobola okutumanyisa ebyomugaso era negerageranya n'okwongerako ku bwino abanonyereza gwebetaaga.

Abanoonya emirimu 10 nga balina obulemu mu buli nsi balondebwa n'obwegendereza okwenyigira mu, nga buli omu ayitibwa okubeera ne yintaviyu bbiri mu mwezi gumu oba ebiri, okusobola okulaba enkyukakyuka mu mbeera okumala ekiseera. Ababuzibwa ebibuuzo 10 balina obulemu obwenjawulo, nga sibakikula kimu era nga bawukana mu myaka, gyebbeera n'embeera ze bakoleramu. Mu bano mwaalimu: abaliko obulemu bwo butalaba (visual impairment), obulemu bwo obwekuusa ku ku tambula (physical impairment), obulemu bwo butawulira (hearing impairment), obulemu bwo kukwata mpola (intellectual impairment), obulemu bwa nalubili (sickler), obulemu bwo lususu (albinism), obulemu bwo kukalubizibwa mu njogela (speech impairment).

Essomo lyali lyakirizibwa okuva mu IDS, abenyigiramu bona balina obubaka obukwata ku ssomo era bwebamaliriza okukiriza okwenyigiramu, bateeka emikono ku foomu ey'okuwaayo olukusa. Okubuuza ebibuuzo kwakolebwa okuyitira ku ssimu oba olukung'ana lw'okumutimbagano (okugeza WhatsApp, Zoom, nebilala) era abenyigiramu basasulibwa ebisale by'omutimbagano. Eby'okubatukilira nabyo byatekebwa mu nkola era nebisisinkanwa. Ababuuza ebibuuzo bona bali batuuze mu nsi zabwe, era ebibuuzo byababuzibwa mu nnimi zebalondako. Yintaviyu zakwatibwa ku butambi, n'ezivunulwa era neziwandikibwa.

Okwekenenya kw'okumutimbagano kwalimu abanonyereza b'omunsi_zonna n'ekibinja kya IDS. Emboozи zabuli muntu okuva mu nsi 4 zakebelebwa n'eziwandikibwa. Mu kuteseganya waliwo ebyazuuka ebifanagana ebyazulibwa nebikiliziganyizibwako.

Uganda ebadde n'emiwendo mittono egyabalina akawuka ka senyiga omukambwe (COVID-19), okutwalira awamu abantu 40426, 15052 abawonye era abaafa 334 okusiziira ku alipoota ya 5th March 2021.

Waliwo ebifanagana bingi n'ebiyakiriziganyizibwako ku bisinga obukulu mu nsi zino ennya. Waliwo ebyasukuluma bibiri ebyazulibwa. Ekisooka ku bikulu bino kyali 'kigumivu' oba eky'ebintu ekikwata ku biva mu kazigizigi k'omuggalo ku bulamu obwa bulijjo, era kino kyayawulibwamu mu bino wamanga: a) Omuntu (nabalala) nebimukwatako ebyesigama ku kikula ky'omuntu ne oba obulemu obwengeri ezisinga b) eby'efuna nebikwata ku bantu byebayitamu, enkola yabyo n'ebiyamateeka mu Kiseera kya COVID.

Ekyokubiri waliwo ebikulu ebikwata ku mpulira, ebilaga engeri ezenjawulo abantu gyebawuliramua nga batukidwako embeera era nekiseera ekimu nga kyesigama ku bintu ebigumivu ebiwandikidwako wa ggulu. Ensonga enkulu 'eyokute (a) ganyizibwa, okukyankalanyizibwa era n'okuberawo mu lusuubo' kwatukawo kulw'embeera essukuluma kuya bulijjo, n'ensonga ez'okwekanga, okubuzabuzibwa, okutya, okufirwako, obwelarikirivu, obutabanguko, okutitiira, okunakuwala era n'okwenyamira mu ngeri ez'enjawulo.

Obubaka mu bufunze obwafunibwa mu byakung'anyizibwa mu Uganda mu alipoota eno.

"Embeera enjavuwazza nnyo era sisobola nakwetusaako byetaago byange."
(omukyala alina obulemu bw'okuwlira)

"Okuberawo kwongera okukaluba." (omusajja alina obulemu bw'okwogera)

Okutwalira'wamu ebyazulibwa bilaga nti abantu abalina obulemu bakosebwa mu kiseera kya senyiga omukambwe (COVID-19) era waliwo obukakafu nti embeera yabwe embi gyebalina n'okusosolebwa kweyongeramu. Obwelarikirivu mu byenfunu kyenkana bwali bwazulibwa mu nsi yonna. Abantu abasinga bali bafiirwa emirimu gyabwe oba nokufuna ensimbi olw'omuggalo era babonabona okusasulira emmere emala oba ebyetaago ebilala, ekyabaleta obunyikaavu n'okunakuwala. Ebisale ebyayongezebwamu, nga mwemuli n'ebisale by'entambula, byaleta okufuna emmere n'eddagala ekintu ekizibu. Okusobola okuberawo mu kiseera ekyakazigizigi n'omuggalo, ababuuzibwa ebibuuzo bangi besigama ku kukozesa ensimbi zabwe zebali balina oba eza bizinensi, ensimbi okuva mu b'omu maka abalala ob'emikwano, oba nebatunda byebalina. Okufuna empeereza ng'obujjanjabi, ebyenjigiriza, obubaka n'okuyambibwa okwenjawulo kwali kuzibu era, mu ngeri ezimu, nga kusosola. Abantu batono abalina obulemu abategeeza nti bafuna obuyambi okuva mu gavumenti oba okuva mu bitongole mu kiseera kyakazigizigi wadde nga bali babyetaaga. Obuzibu mu kuwaayo obuyambi bwalimu abantu abalina obulemu obutatekebwa ku lukalala lwabo abalina okufuna ebyetaago; Ebikwata ku kugabanya ebyetaago ebitasobola kubatukako oba kugabibwa, kyaviramu abantu abalina obulemu obutagenda; okuyambwa nga kuwebwayo ng'ekimu; era ebyali bitebelezebwaa okubawebwa ebitongole ebilabilira abalina obulemu. Waliwo obutategeragana wakati wabasajja n'abakazi mu maka

olw'ebiensimbi era abenyigiramu bayogera ku butabanguko mu maka obweyongera mu bitundu ebisinga. Okusosola abalina obulemu kwalopebwa abantu abawerako.

Waliwo obubonero obwokulongoosa embeera z'abantu era n'okuwulira obulungi mu kubuuza ebibuuzo omulundi ogw'okubiri, wadde nga kino kyesigama ku muntu ssekinoomu, kuba abo abali bafunye emirimu oba abaddamu okusoma balina esuubi lingi, ate nga abalala bali beyongerayo okwavuwala era n'okwelarikilira ku biseera byabwe eby'omumaaso n'abomumaka gabwe. Ababuuza ebibuuzo abasinga n'abomumaka gabwe bali tebanafuna mirimu, era embeera zabo abaddamu okukola nate bakalubilizibwa nnyo, nga balina essaawa ntono ku zebalina, oba nga bakasitoma batono, oba ngemiwendo gy'ebintu byabwe gyakendeera. Abantu abasinga ababuuza ebibuuzo abalina obulemu bali tebasobola kufuna mirimu wadde nga bali bagezaako nnyo, nga kyesigama ku kusosolebwa olw'okubera n'obulemu. Kino kyali kitegeesa nti abantu bangi bali bakyagezaako obutaffa oba okubeera mu bulamu obweyagaza.

Abenyigiramu era babuzibwa okuwa ebiteeso ku ngeri y'okukendeeza ebiyinza okutukawo ngekilwadde kilala kibaluseewo nga bisobola okuyamba abantu abalina obulemu.

Obubaka obukulu eri abakola amateeka, abategeka n'abagaba empeereza bwa kufaayo ku bantu abalina obulemu (nga babatukirira oba mu kuyitira mu bitongole ebibakikilira) nga bakola entegeka mu kiseera ngekilwadde kimazze okubalukawo oba obuzigizigi obulala, okulaba nti enkola eyamba abalina obulemu nayo 'ekolebwako' mu bunambiro, obutelabira byetaago byabwe mu butanwa oba mu bugenderevu.